

P360/3
LUGANDA
(Litulica mu Luganda)
PAPER 3
JULY/AUGUST
Essaawa Ssatu



ELITE EXAMINATION BUREAU MOCK 2019
Uganda Advanced Certificate of Education
LUGANDA
(Litulica Mu Luganda)
OLUPAPULA OLWOKUSATU

ESSAAWA: SSATU

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu (3) A, B ne C.*
- *Mu kitundu A, kolamu ekibuuozo **kimu**.*
- *Mukitundu C namwo kolamu ekibuuozo **kimu**.*
- *Mu kitundu B, ddamu ebibuuozo nnamba ttaano (5) n'ekirala kimu okuva mu **bitontome**.*
- *Byonna awamu ddamu ebibuuozo (4) bina.*

EKITUNDU A:

E.N. KAWERE: ZINUNULA OMUNAKU.

1. "....." Bannange abajja okubakyalira osiriikirira basiriikirire! Ye obwetta oyagala kunjamba ki?
 - (i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki? (Akabonero 1)
 - (ii) Omwogezi w'ebigambo ebyo omuwandiisi amutwagazisa atya? (Obubonero 5)
 - (iii) Bubaki obuli mu ssuula omuvudde ebigambo ebyo? (Obubonero 10)
 - (iv) Agambibwa ebigambo ebyo azimbiddwa atya mu lugero zinunula omunaku. (Obubonero 9)
2. "..... musajja wattu otwagaza ki ajja atulondoola? Tukuliiridde ki ekituwondeza?
 - a) Bantu bameka abali mu mboozi eyo era be baliwa? (Obubonero 4)
 - b) Nyonnyola embeera ekutuusa ku mboozi eyo. (Obubonero 10)
 - c) Embeera y'okulondoolwa ebbulukukira etya mu kalibatanya w'o lugero? (Obubonero 11)

M.B NSIMBI: BWALIBUTAMANYA

3. Ebintu ebituuka ku bantu ba Nsimbi mu lugero bwalibutamanya biva ku kulemererwa kukozesa mukisa gwabwe. Nyonnyola n'ebi'okulabirako. (Obubonero 25)
4. "Obwo bwali busiru bwo! Ensimbi naziggyanga mu nsawo yo nga weebase oba ggwe waziggyangamu n'ozimpa?"
 - (i) Lambulula embeera eyakulembera ebigambo ebyo. (Obubbonero 8)
 - (ii) Omwogezi w'ebigambo ebyo atyoboola atya ekitiibwa ky'abantu b'ekikula kye? (Obubonero 17)

EKITUNDU B: PPULOOZI N'EBITONTOME

PPuloozi

5. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Omwaka nga gutandika abantu bangi bakola olukalala olw'ebintu bye bagenda okugukoleramu, era ng'abamu bassaako okuzimba ennyumba n'addala e'zamaka.

Wabula wadde ng'olwaleero amayumba agapangisibwa galinnye nnyo mu miwendo naye tekikugasa kuggyayo ssente za bisinensi n'ozimbamu enju eyokusulamu obusuzi ate bizinensi n'eggwaawo era n'eggalawo.

Topapa kuzimba nju ya kusulamu nga tolina mulimu. Abagagga bangi nnyo abasanga basula mu nnyumba ntono nga tezigya mu bitiibwa byabwe, Oluusi weewuunya naye ng'ekibakozesa kino basinga kwagala kumala kutereeza mulimu olwo ne balowooza we basula.

Wano ewaffe oli olutandika okukola, ky'asooka okulowooza kwe kuzimba enju ey'okusulamu eratulina abaana abato naddala abakamala okusoma ne bafuna emirimu emirungi, abazimbye ennyumba maaso galikwoleka nga zino zitutte buwumbi. Wabula ekikwewuunyisa olumugoba ku mulimu ng'enju agitunda. Ezisinga zirema n'okumalirizibwa era bazitunda tezinnaggwa.

Ekinnuma w'atundira, kuba aba alina ebizibu bingi atunda apapa era tasobola kufunamu ssente ze yateekamu. Ennyumba ezo z'olaba zitwala sente nnyingi nnyo okuzimba ate wano w'ozimbira, enju esanyusa nga buli kirungi oba oyagala bakiteekemu osobole okuba n'obulamu obulungi obukweyagaza era banno bakuwaane nga bw'oli owamaanyi. Naye bwoba teweenywezezza osobola okumalawo ssente ezibadde mu mulimu oba ziyite (capital) ate n'olya n'amabanja ku kyalo n'awalala nga buli akulaba akubanja kino kikumalako emirembe n'ekitiibwa

Abavubuka bangi abafunye amabanja, ate nga bakafuluma mu yunivasite, kyokka nga amabanja gano gakugula mmotoka, n'okugula amayumba oba kale okwezimbira agaabwe. Kyokka bano beesanga balina **okukyusa** omulimo nebesanga nga tebasobola kusasula Bbanka n'emaliriza nga ebiwambye. Olwo bambi abavubuka ne bafiirwa obudde, olw'ebbanga lyamaze ng'asasulako ekyo kyasobodde.

Gye buvuddeko waliwo omugagga omu mu Kampala wano eyagula Bbanka eyali esinga amaanyi wano mu Yuganda. Bank eno yalina eby'obugagga butitimbe by'omanyi naddala ebizimbe era yalina ekizimbe eky'amaanyi nga kye kimu ku bisinga obuwanvu mu Kampala wakati. Ono omugagga era nga musubuuzi wa maanyi bwe yagula kye yasookerako nga tannakola kirala kyonna kwali kutunda ebimu ku bizimbe Bbanka bye yalina era ssente n'aziteeka mu Kapito wa Bbanka eno eyali egudde.

Kati bbanka yaddayo dda ku mutindo weeri era ekola bulungi nnyo wadde ebizimbe ebimu mwekolera ebipangisa ku balala.

Wetwogerera bino bbanka yamazedda okwezimbira amaka gaayo wadde nga yo emaze ebbanga ddene ng'ewola abazimba naye yo ebadde tezimba kuba ebadde tennaba kweteekateeka. Kino kituwa ekyokuyiga.

Abayindi bangi basula mu buyumba butono wano mu Kampala ate nga balina ssente nnyingi ddala lwaki olutuuka wano mu yuganda tebatandika kuzimba? Olwo nno munnange bo baba bakuumma kapito.

Weegendereze, topapa kuzimba nju ey'okusulamu nga tolina mulimu. Omulembe sigwa kweraga wabula okukola obukozi.

Ebibuuzo

- (i) Ekitundu ky'osomye kiwe omutwe ogukituukirako era owe n'ensonga Iwaki gw'olonze? (Obubonero 3)
- (ii) Ekitundu kino kikoze kitya ng'endabirwamu y'omuwandiisi waakyo? (Obubonero 6)
- (iii) Miramwa ki emikulu gy'oyinza okuggyga mu mboozi eno? (Obubonero 6)
- (iv) Emboozi eno ensengekeddwa etya? (Obubonero 5)
- (v) Mpenda ki omuwandiisi z'atemye okututuusaako kyannyumyako. (Obubonero 3)
- (vi) Leeta amakulu g'ebigambo bino wammanga? (Obubonero 2)
 - Galikwoleka
 - Bakafuluma

EBITONTOME: MPAAWO KITAKYA

6. F.M MASAGAZI

Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

OMWENGE NGUNYWA NAYE SINYWA!

Ebintu bingi bye njize ku nsi nga bijja mu bukolaganyi, kubeera na Bantu balala nebwe bataba ba ggwanga, ddiini, ebyange.

Abanywa tunywe, gwo tegewewalwa
Abo b'olaba, bona olaba banywa?
Bali ku kimu, empaawo yanyuma
Olugikwatako, ng'anyumya kuno, anyumya kuli
N'enkeera ne bukya, ng'era bw'atyo
N'oggula agula, kuba gwakunywa!

Bagunywa batyo kuba gwa nsi
Bakola batyo, kuba musono
Beeyisa batyo, bafune ababeezi
Bali ne bali, batabe emikwano
Tubeera nabo, bayige okubeera
N'abo ab'ennusu, beeyisa batyo.

Mu buwangwa bwa kuno, omwenge mukulu
Gutaba oluganda, guleeta abakyamye
Mu kusinza kw'abaganda, otwenge ngabanya
Okwalula abaana, omwenge mukulu
Omusika ng'atuuzwa, oluseke mu ndeku
Emikolo emirala, ng'otwenge banya
Okutuusa obuganda, ng'olina kukwata
Wadde nga tonywa!

B'wogenda mu mikwano, ng'otwenge munywa
Munyumya kuno na kuli, nga ggwe tonywa?
Olutuuka mu banywanyi, ng'empaawo mbaka
Nga tulasa, tusimba ng'eno tunywa
Omwenge musono, naye tetunywa!

Omwenge gye banya, gy'ofuna okusiima
Ogula ddebe, nga bali banya
N'enkyo bwe gutyo, ne luli gutyo.
Bakuloolera lumu, ng'enkyo bafumba
Gwe okwata ku ndeku, ng'abanya banya
Ofuna agafumba, wadde tonywa!

Oyagala mikwano, ng'ogula ccupa
Okwatako bukwasi, kyokka nga tonywa
Bakusanga ku siteegi, nti oyo bwe tunywa
Bagula kikooti nti, "oyo kimuwe"
Onoonya wa kusenga nti "senga kwetuli"

Ng'ofun'oluganda, wadde nga tonywa?
Okuyiga empisa z'emikwano, olina kunywa
Embeera za banywanyi, oziyiga onywa
olw'okuba okwata, nga naye tonywa
Oziyiga bulungi, kubanga ggwe tonywa
Okuva mu kinywero, nga ddala oyize
Okwo kwe kunywa, nga naye tonywa!

Obukodyo bw'okuyigga, obeera n'ennusu
Obeera n'abaywanyi, abalina ennusu
Ccupa ku ccupa, anti nga ba nnusu
Balaga ku ssente, ng'eno bwe banya
Bw'ozibeera okumpi, naye ng'otobya
Okwata ku ccupa ng'ennusu ofuna!

Ebibuuzo

- i) Olukusa lw'omutontomi lulagiddwa lutyu mu kitontome kino? (Obbonero 6)
 - ii) Nyonyola kunzimba ya sitanza mu kitontome kino. (Obubonero 5)
 - iii) Omutontomi asobodde atya okukuma enneggunda yamaloboozi mu kitontome kino (Obubonero 6)
 - iv) Obutontomi bw'omuwandiisi bulagiddwa butya mu kitontome kino. (Obubonero 5)
 - v) Nyonyola amakulu g'ebigambo bino ngabwebikozeseddwa mu kitontome kino. (Obubonero 3)
 - Mbaka
 - Ofuna agafumba
 - N'abanywanyi.
7. Ebitontome bya Masagazi mu mpaawo kitakya biyinza kukyusa bitya enneeyisa y'abantu ababisoma? (Obubonero 25)

OKOT P'BITEK OMULANGA GWA LAWINO (Kyakyusibwa Abasi kiyimba)

8. Soma ekitontome kino wammanga n'olvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

OLUGENDO LWE PAGAK LWA NTIISA

Omwami wange yankawa
Mbu kubanga ndi mukaafiiri
Akkiririza mu sitaani
Era atamanyi mateekaga bulamu
Agamba nti ndi wa bulabe nnyo
Eri obulamu bw'abaana baffe,
Kubanga simanyi kwawula kya bulamu
Ku nzikiriza yange ey'obubuze.

Kituufu
Eddagala ly'abazungu erimu lya maanyi,
Naye n'eryAbacholi nalyo lya maanyi.
Abalwadde bawona
Essaawa yaabwe ey'okufa bw'eba tennatuuka
Naye olunaku bwe lukyaluti,
Ng'oli wa kulamaga lwe pagak
Tewali asobola kukuwonya.

Eddagala ly'Abazungu n'eryAbacholi
Emisaalaba, Rosario, obugere bw'emisu,
Ejjembe ly'enkula, n'oluba lwa ggoonya
Byonna tekuli kirina busobozi
Buziba kkubo ery'entiisa
Erigenda e pagak.

Walumbe bw'aba yakunonye
Akukuba bukubi kaama
Era osituka mbagirawo n'ogoberera
Nga teweekubyeko na nfuufu ku butuuliro
Oyinza okuba ng'okutte ngabo mpya
Oba omutabaazi nnantawunyikamu.

Oyinza okuba nga weekwese
Mu kannya k'akawuka akasingayo obutono
Oba ng'oli mu kafo ka nzikiza ey'amaanyi,
Ng'eyo mu mikwesese gy'emmese
Gye ziyonseza abaana baazo,
Oyinza okuba emabega w'ensozi eza **agaro**
Oba mu bire waggulu.

Oyinza okuba nga ggwe muddusi
Kkungwa mu kitundu,
Naye walumbe bw'ajja okukunona
Toba nabuwonero, tosobola kumuwona,
Tewali ayinza kukuwonya
Tewali yali awangudde walumbe.

Walumbe bw'alagira
Aba nga omuzadde omukazi bw'abeera
Ng'agamba abaana be
Anti omuzadde bw'akoowoola
Obwana bujja buddukaddukamu
Kubanga oluusi aba abuwa ntungo
Ezirimu n'omubisi gw'enjuki
Agamba bugambi nti
"Mwana wange jjangu
Ntabiseemu n'omuzigo omucholi?
Kale ani asobala okulwanyisa Walumbe?

Abalubaale Abazungu n'Abacholi
Abasawo abakazi n'abasajja
Bonna balungi era bagezi
Naye amagezi gaabwe
Gakola nnyo
Ng'olunaku terunnakya
Kw'oteekwa okulamagira
Olugendo nnantataliza
Olugendo olw'enkomerero
Olugendo Iw'e Pagak.

Bw'oba wakuula ekiryo ky'ensujju,
E Pagak otuuka oli muswavu
Era bajjajaabo abaakisimba
Bwe bakulaba bakwegaana
Nga naawe bwe wabeeegana.

Ebibuuzo

- (i) Omutontomi ali mu mbeera ki era Iwaki? (Obubonero 3)
 - (ii) Omuwandiisi asengese atya sitanza eyokusatu? (Obubonero 3)
 - (iii) Nyonnyola ku lulimi omuwandiisi lwe yeeyambisizza. (Obubonero 4)
 - (iv) Nyonnyola ku nzimba ya vaasi mu kitontome kino. (Obubonero 5)
 - (v) Omuwandiisi ategéezaaki mu mutwe gwa wadde ekitontome kye? (Obubonero 2)
 - (vi) Omuwandiisi atusiigidde kifananyi ki ku lugendo Iwe Pagak.(Obubonero 4)
 - (vii) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome kino.
- Busoboz
- Butuuliro
- Kkungwa
- Nnantataliza
9. Bw'osoma omulanga gwa lawino tolina kubuusa bya buwangwa maaso.kakasa
kino n'ebiyokulabirako. (Obubonero 25)

EKITUNDU C
W.KIYINGI: LOZIO Bba Ssesiria

10. Era okuva olwo amaaso gamulengezza gati. (Enseko) kaakati muli akiraba nti Jane wa mulundi gwe”
- a) (i) Ani ayogerwako mu katundu ako era ebigambo bisimbuddwa wa mu muzannyo. (Obubonero 3)
(ii) Nnyonnyola embeera evaako omwogezi okwogera ebigambo ebyo. (Obubonero 3)
- b) Ng’oggyeeko oyo ayogerwako waggulu, laga abantu abalala Kiyingi bazimbye nga bw’obalaba amaaso gabalengezza. (Obubonero 19)
11. (Ate akomawo) nti Mukasa fuluma nga sinnakumalira kasanduuko mu mutwe?
- (i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa wa mu muzannyo era ani abyogera? (Obubonero 2)
(ii) Omwogezi w’ebigambo ebyo omuwandiisi yalina bigendererwa ki okumuzimba nga bwazimbiddwa mu muzannyo. (Obubonero 10)
(iii) Omwogezi w’ebigambo ebyo aleese atya amakoona mu muzannyo Lozio bba Ssesiriya. (Obubonero 13)

ELLY .N. KYEYUNE: BEMBA MUSOTA

12. (a) Menya era onnyonnyole obunkenke mu muzannyo Bemba Musota olage n’ensibuko yaabwo. (Obubonero 12)
(b) Obunkenke bw’olaze mu (a) waggulu omuwandiisi yagenderera ki okubutulaga mu muzannyo gwe? (Obubonero 13)
13. Kati mbasaba okumpa akakisa okugenda okwaniriza omwagalwa waffe.
- (a) Ani ayogera ebigambo ebyo era bivudde mu kitundu ki. Eky’omuzannyo? (Obubonero 2)
(b) Bisaanyizo ki ebireetera omwogezi okuyita ayogerwako omwagalwa waffe? (Obubonero 11)
(c) Omwagalwa waffe ayogerwako omuwandiisi omukomekkedeko eby’okuyiga bingi. Nyonnyola n’ebyokulabirako. (Obubonero 12)

BIKOMYE WANO